## ETTEMU E BULOBA

OMWANA Fred Bwooye 12, bamufumise ebiso, omulambo gwe ne bagusuula mu lutobazzi. Ettemu lino libadde Buloba mu disitulikiti y'e Kamuli. Omugenzi abadde mutuuze w'e Butansi mu disitulikiti y'e Buyende era kigambibwa nti, yasembye okulabwako ku pikipiki ng'ali ne David ow'emyaka 25. David mutuuze w'e Mukoka mu muluka gw'e Mpakitoni mu Ggombolola y'e Bulopa. Omwogezi wa poliisi mu Busoga North, Samson Lubega agambye nti, omulambo bagusanzeeko ebiwundu eby'ebiso. Baagututte mu ddwaaliro lya Kamuli General Hospital okugwekebejja nga bwe bayigga omutemu.

## ASSE BBA E MASAKA